THE REPUBLIC OF UGANDA
**MINISTRY OF HEALTH**

# Mpox (Kawaali)

## KIKI KY'OLINA OKUMANYA KU BULWADDE BUNO

Mpox edda eyayitibwa nga Monkeypox (Kawaali) bulwadde bwa bisolo era butambuzibwa akawuka okuva mu bisolo okudda mu bantu nga kino kiri naddala mu bitundu ebirimu ebibira (forests) nga mu massekkati ne bugwanjjuba bwa Africa. Ebiseera ebimu obulwadde bunno busaasaanira mu bitundu ebirala ebye ggwanga

Obubonero bwa Mpox (Kawaali) bwefaananyiriza obwa Smallpox (Namusuna), wadde nga omuntu abeera afunye obulwadde bunno tayisiba bubi nnyo.

## Obubonero

- Okubutuka kw'olususu
- Ebbugumu mu mubiri
- Amabwa mu mimiro
- Okulumwa omutwe
- Okulumizibwa kw'omubiri
- Okulumwa omugongo
- Okugwaamu amaanyi
- Okufuna Ensanjabavu



## Mpox(Kawaali) Busaasaanyizibwa butya?

- Okuva ku muntu okudda ku mulala:
  - Okukwaatagana kw'ensusu singa ziriko obubwa oba okuyita mu mazzi gonna agava mu mubiri gw'omuntu alina obulwade buno
  - Okussa omukka ogujamawaziddwa obuwuka buno oba ebintu ebirala kubanga obuwuka buno butambulira mu mpewo
  - Ekkubo erisinga okusaasaanya obulwadde buno lye ly'okuyita mu bikolwa by'omukwano eby'okwegatta
  - Ebintu ebiriko obuwuka oba obulwadde nga empiso, tattu, ebikunta, engoye, ebiriirwaamu, eby'okwezanyikiriza ebikozesebwa mu nsonga z'okwegatta, awamu n'ebintu ebirala bingi bye tukozesa mu bulamu obwa bulijjo.
- Mu bantu Mpox (Kawaali) busaasaanyizibwa nga ayita mu kusemberera omuntu omulwadde, oba ekisolo ekirwadde oba ekintu ekirina/ekiriko obulwadde bunno

## Ani ali mu katyabaga k'okukwatibwa Mpox (Kawaali)?

Abantu abesembereza abalwadde ba Mpox (Kawaali) gamba ng'abantu b'awaka, ab'ekinywi mu nsonga z'omukwano ez'okwegatta okw'ekikulu, omuli n'abo abetunda.

Abantu abalabirira oba abajjanjaba abalwadde ba Mpox (Kawaali) singa babeera tebakozeseza oba tebesabise na byambalo bibatangira okukwatibwa obulwadde buno

Abantu abayigga, abatta, ababaaga, abakwaata ku bisolo nga kaamuje, emissu, namunungu, emmese n'enkima.

Abantu abakola mu biffo by'amageserezo oba makeberero nga tebambadde oba tebesabise na byambalo bibatangira okukwatibwa obulwadde buno

Abaana, abakyala ab'embuto n'abantu bonna abakosefu oba abanafu olw'embeera zaabwe ez'ebyobulamu

Abantu abalina baganzi baabwe nga bangi oba emirundi mingi abaganza abantu abenjawulo na batamanyikiddwa

Wadde ng'abantu abamu bandiba mu katyabaga k'okukwaatibwa Mpox (Kawaali), kikulu nnyo okujjukira nti buli muntu yenna waali ayolekedde akatyabaga kano kubanga osobola okufuna Mpox (Kawaali)

**Okumanya ebisingawo, kuba ku ssimu ya Minisitule y'Ebyobulamu etali ya kusasulira: 0800100066 oba sindika obubaka OBUTALI BWA KUSASULIRA ku U-Report on 8500**

## Wetangira otya obutafuna bulwadde?

- Wewale okusemberera (maaso ku maaso, lususu ku lususu, kamwa ku lususu, kamwa ku kamwa) abantu abakakasiddwa okubeera nga balina obulwadde bwa Mpox (Kawaali) oba abo abalina obubonero bw'obulwadde buno
- Wewale okukwaata oba okugabana n'abalala ebintu ng'ebikunta, ebiriirwamu, engoye, amasimu oba ebintu eby'obwanannyini eby'omuntu oyo alina obubonero bwa Mpox (Kawaali).
- Wewale okusemberera ebisolo by'omunsiko byonna (ebiramu oba ebifudde) naddala ebyo ebimanyiddwa ennyo mukusaasaanya akawuka – gamba ng'ebisolo ebiri mu kika ky'emmese, emissu oba enkima, n'ebisolo ebirabika nga birwadde oba ebisangiddwa nga bifudde.
- Wewale okulya ebisolo by'omunsiko (kaamuje, emissu, namunungu, emmese n'enkima)
- Eddagala erigema smallpox (Namusuna) lisobola okuweebwa abantu abo abesemberezza abalwadde ba Mpox (Kawaali) oba abo abali mu katyabaga k'okufuna obulwadde bunno.

Luganda

USAID FROM THE AMERICAN PEOPLE | unicef for every child | World Health Organization | Obulamu?